# Kazambi atakoleddwaako okuva mu makolero asaanyaawo Nalubaale



Ekikka okuva mu limu ku makolero e Jinja ku lubalama lw'ennyanja Nalubaale.



Naomi Karekaho owa NEMA.

EKIVUNDU ekisaanikidde omwalo gwa Port Bell kisattiza abatuuze, abasuubuzi n'abasaabaze abakozesa omwalo guno olw'embeera enzibu gye babeeramu ezing'amizza emirimu.

Bw'otuuka ku mwalo guno, amazzi gonna gafuuse ga kiragala ng'okusinziira ku Ssentebe w'abavubi ku mwalo guno, Hassan Bogere embeera eno ebaddewo okumala ebbanga kyokka nga tebafuna kuyambibwa.

"Kiragala gw'olaba oyo, alinga muddo nga gutuuka n'okuvunda olwo ne guvaamu ekivundu ekisaanikira ekitundu kyonna ne kisannyalaza emirimu, okugoba ebyennyanja n'okutta ebintu ebirina obulamu mu mazzi," Bogere bw'agamba.

Okusinziira ku batuuze, ekivundu kisinga kubatta mu kiseera kya kasana nga mu mwezi gwa January olwo mu biseera by'enkuba ne kikendeera.


Omwalo gwa Port Bell si gwe gwokka ogusattira olw'okwonooneka kw'embeera y'amazzi ku nnyanja Nalubaale wabula n'ebitundu by'eggwanga eby'enjawulo.

Mu mboozi z'okunoonyereza kwa Bukedde okwassibwamu ssente ekitongole ky'amawulire ekya African Center For Media Excellence, akizudde nti, amakolero agazimbiddwa okuliraana ennyanja Nalubaale ate nga gali mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo gamu ku gavuddeko okwonoonebwa kwayo.

Ennyanja Nalubaale (L. Victoria) y'esinga mu nsi yonna obunene mu nnyanja ezirina amazzi g'osobola okukozesezaawo era eyimirizaawo obukadde n'obukadde bw'abantu mu mawanga g'Obuvanjuba asatu agagigabana okuli; Uganda, Kenya ne Tanzania.

Mu kunoonyereza kwaffe, HERBERT MUSOKE, akulaga engeri amakolero agayiwa kazambi atasoose kukolebwako gye gavuddeko okwonoona omutindo gw'amazzi, okukendeeza omukka ogussibwa mu mazzi, okukula kw'omuddo n'okutta ebirina obulamu mu mazzi ebisangibwa mu bitundu bino.

Godfrey Nkaada Mulyankota, Ssentebe w'omwalo gw'e Masese mu disitulikiti y'e Jinja agamba nti, ekimu ku bisinze okwonoona ennyanja n'okusannyalaza eby'obuvubi ku Nalubaale naddala mu bitundu by'e Jinja ye kazambi ava mu makolero amangi agaazimbibwa ku lubalama n'ebitundu bya Jinja okutwaliza awamu.



Godfrey Nkaada Mulyankota, Ssentebe w'omwalo gw'e Masese ng'ayogera ku mbeera eri ku nnyanja Nalubaale.

"Jinja amanyiddwa okubeera ekitundu ky'amakolero ag'enkizo mu nnyingiza n'enkulaakulana y'eggwanga, kyokka era ge gamu gafuuse ekyambika eri obulamu obuli mu mazzi kw'ossa n'abantu ababadde babeerawo olw'emirimu gye bakola ku nnyanja Nalubaale," Nkaada bw'agamba.

Awa eky'okulabirako mu kitundu ekimanyiddwa nga Loko w'agamba nti, amazzi gawunya ekivundu ate ng'okuliraana kkampuni ya Bidico amazzi gawunya nga ssabbuuni.

"Bw'otunuulira amazzi mu bitundu eby'enjawulo omuli amakolero gaafuuka kiragala oba maddugavu. Eky'ennaku amazzi amacaafu kati ge gali ku mbalama ebyennyanja we birina okuzaalira we bitasobola kutuuka era ebisangibwa oba ebigagwaamu mu butanywa bifa bufi," Nkaada bw'agamba.

Joseph Byaruhanga, omukugu mu by'obutonde mu disitulikiti y'e Kalangala agamba nti, okuyiwa kazambi ekika kino mu nnyanja nga tasoose kulongoosebwa nga bwe kirambikibwa, kyonoonye nnyo omutindo gw'ennyanja.

"Kazambi omu afuuka ebigimusa ebisusse mu mazzi ekivaako omuddo gw'oku mazzi n'enkonge okweyongera obungi mu kumera. Omuddo guno bwe gukuba ne gutandika okuvunda, kivaako ekivundu ekibuutikira ekitundu, okuggwaawo kw'omukka ogussibwa mu mazzi ekivaako ebiramu mu mazzi okuziyira ne bifa oba okusenguka," Byaruhanga bw'agamba.

Dr. David Were, omusomesa era omunoonyereza ku Makerere yunivasite mu kitongole ky'obutonde agamba nti, okwonoonebwa kw'ennyanja Nalubaale kusinga kuva ku mbeera y'akazambi asukka okuyingira ennyanja.

Annyonnyola nti, enkonge esusse mu bitundu bya Murchison Bay-Luzira okutwaliramu ebitundu by'omwalo gwa Port Bell ne Ggaba kiva ku birungo bya Nitrogen ne Phosphorus ebiyingira ennyanja.

Joyce Ikwaput Nyeko omu ku ba dayirekita mu minisitule y'obuvubi agamba nti, embeera eno ezze ebeerawo nga wakati w'enkomerero ya 2020 n'entandikwa ya 2021 nga Uganda yafiirwa ttani z'ebyennyanja naddala empuuta ezisoba mu 100 ezibalirirwamu emitwalo gya ddoola 40 (eza wano akawumbi kamu n'obukadde 400).

### AMATEEKA AMANAFU

Peter Okech Kasolo, Meeya w'ekibuga Jinja agamba nti, kyennyamiza okulaba ng'abakungu ba gavumeti ku mitendera egy'enjawulo batwalibwa okulambula n'okubeerako bye balaba mu bitundu ebirala naddala amawanga agakuze okumala ebbanga kyokka tewali kikyuka.

"Amateeka gaffe ga musibya byayi. Amakolero gakakatibwako okusooka okukola ku kazimbi waago nga tannaba kuteebwa kuyingira butonde naddala ennyanja ekitakolebwa, olwo kazimbi yenna n'aggweera mu nnyanja okugisaanyaawo," Kasolo bw'agamba.



Ekitundu ky'ekkolero nga kiri mu mazzi g'ennyanja Nalubaale munda ku lubalama lw'ennyanja Nalubaale e Jinja.



Peter Okech Kasolo, Meeya w'ekibuga Jinja ng'annyonnyola.

### Amakolero gonna galondoolwa ne gaweebwa ebbaluwa ekakasa nga gakuuma obutonde

Naomi Karekaho, omwogezi w'ekitongole ekikwataganya obutonde mu Uganda ekya National Environment Management Authority (NEMA), annyonnyola nti, amakolero gonna galondoolwa era ne gaweebwa amabaluwa agagakakasa nti, gagoberera emitendera gy'okukuuma obutonde.

"Amakolero gonna gakakatibwako okukola okunoonyereza n'okulambika engeri gye gagenda okukuuma obutonde bw'ensi obubeetoolodde naddala mu ngeri gye gagenda okukwataganya kazimbi ava mu bye gakola okuyita mu bifo eby'enjawulo ebissibwawo okukola ku kazambi ono okukakasa nti, talina bulabe nga tannateebwa kuyingira butonde," Karekaho bw'agamba.

Agamba nti, nga NEMA buli mwaka bakyalira amakolero gano era ne baddamu okukola okunoonyereza n'okulondoola obujjuvu okukakasa ng'ebyabalagirwa babissa mu nkola ng'agasangibwa nga tegatuukiriza bisaanyizo gaggalwawo.

### EKIRINA OKUKOLEBWA

Kasolo ow'e Jinja agamba nti, obutonde bw'ensi kimu ku bintu eby'enkizo bye tusigazza ebirina okukuumibwa obutiribiri nga singa bulagajjalirwa, enkyukakyuka mu mbeera y'obudde etuli ku luggi ekonkona.

Ate Karekaho naye agamba nti, obuvunaanyizibwa bw'okukakasa nti amakolero gatuukiriza obuvunaanyizibwa bwago kya buli omu kuba galina okufuna olukusa okuva mu bakulira ebitundu nga nabo balina okukakasa nti, gassa mu nkola amateeka nga tebannaba kugawa lukusa mu buwandiike.